# ESTHER NETWORK INTERNATIONAL

## WORLD SHAPERS CLUB

## AMASOMO AG'OKUSABA KW'ENSI YONNA



**Translated By Nakalema Jane**

**+256 783 754649 Email: magezijane87@gmail.com**

# ESTHER NETWORK INTERNATIONAL

## Okulambika Abasumba, Abasomesa Abaana ku Kkanisa n'abakulira Ebibiina Byaffe Yonna Gye Bali

Mu kitabo kye kye yatuuma "Let the Children Pray" Esther Linisky atugamba nti engeri abaana gye basobola okusabamu n'okunyweza kkanisa ey'esnsangi zino.

Kino kye tugamba abaana nti be bakulembeze ab'enkya era ab'omulembe oguddako nga y'ekkanisa gye tuteekateeka abaana baba bakiwulira bulungi.

Era tubagamba bagumikirizeeko bamale kukula oba okwekakasa bye bakola nabo tebakakanyaza mitima newankubadde nga basobola kukikola nu tutamanya bumanya. Abato enfunda nnyingi bagendera ku ebyo abakulu bye bakola mu nsonga z'omwoyo.

Katonda waffe ayagala okukozesa abaana n'abavubuka mu kiseera nga kino kubanga tebeeganya buweereza wadde n'akatono bwe kati.

Mu kitabo kya Matayo 19:14 Yesu atukuutira okuleka abato bagende gy'ali kubanga obwakabaka bwa Katonda bugendebwamu abo bokka abakiriza okwetowaza ng'abaana.

Ekyo kitegeeza nti buvunaanyizibwa bwaffe okusomesa abaana bano ebikwata ku Katonda kitaffe.

Ekintu kiro kikulu nnyo bwe tuba tusaba Matayo 18:24

Yesu yakwata omwana omuto n'amuyimiriza mu masekkati g'abantu bonna n'abategeeza nti bwe baba ba kayingira mu bulamau obutaggwaawo, basaanye okweyisizaddala ng'abaana bano.

Ennyiriri zino zombie, Yesu azoogera ng'amaze okulaba abayigirizwabe bagobaganya abaana mbu baali bamutawaanya. Baatandika n'okwekwasa mbu yali yeekooyedde. Wano Yesu w'abategeereza nti bave ku baana era bonna n'abayita bajje we yali.

Abaana bwe tuba tubayigiriza okusaba tetubagamba kusaba busabi muwawa – era tetubalagira kusabira abo bokka be bamanyi naye ensi yonna beemanyiiza okwegayirira ku lw'abalala okusobola okukyusa amaka, balirwaanwa baffe n'ensi yonna okutwalira awamu.

**Zabuli 8:12** Abato buli lwe batendereza, batuteekako obukuumi era kyangu okuzi.. abalabe.

**Matayo 21:16** Yesu abayigirizwa baamubuuza oba nga yali waulira abaana kye baali bagamba n'abajjukiza ekyawandiikibwa ekikwata ku kutenderezakw'abaana n'engeri gye kusumulula mu abakulu.

Wano we twebaliza Mukama ku lw'abazadde ab'omwoyo abakola omulimo ogw'ettendo okuyigiriza abaana ekigambo n'okubalaga bonna abaakola ebyewuunyisa mu Bayibuli.

Kino kye kiseera abaana okuteeka mu nkola bye bazze bawulira ebikwata ku mwoyo eyatuweebwa ne by'atukolera.

Bebulaniya 5:12-14

12Bwe muba munaasomesa bulungi,
mwetaaga omuntu an'abayigiriza
ekigambo kya Katonda obutayosa,
kuba kati mwe mukyali bato mu mwoyo
13era omwana bw'aba akyali muto
tumuwa amata 14naye bwakula ne
tumuzza ku mmere kubanga wano aba
yeeyawulira ekirungi ku kibi.

Tetumanyidde ddala ddi omuntu tumuggya ku mata okumutandisa okulya emmere mu nsonga zino ez'omwoyo kubanga Bayibuki etulaga lwatu nti twetaaga okukula mu mwoyo. Ate okukula kubaawo n'omuntu atendekeddwa bulungi nga Esther bw;azze atulambika.

**Abefeeso 4:11 – 12** 11Yesu kye yava aba
n'abatume, bannabbi, ababuulizi
b'enjiri abasumba n'abasomesa
12okusobola okunyweza obulungi
omulimo gwe n'okuzomba ekkanisa
enywedde.

N'olwekyo abazadde, abasomesa, n'abasumba musitukiremu tuyambe abaana baffe okutandikira obuweereza bwabwe.

# ESSOMO EISOOKA #1

# ESAALA KYEKI?




**Eri Abaana:**

**Buli kibuuzo ky'obuuza abaana baweemu akadde balowooze. Tosooka kubaddiramu. Kale ojja kwewuunya ng'owulidde abaana bye baddamu.**

## Buuza: Essaala kye ki?

Essaala y'engeri gye twogeramu ne Katonda kitaffe okuyita mu linnya lya mwana Yesu. Bwosaba, ozimba enkolagana ey'ekitiibwa ne Katonda kitaffe, ne mwana Yesu ne Mwoyo Mutukuvu

## Okufuunza essomo

**Buuza: Ki Yesu kyeyakola nga ali ku nsi?**

Yawonya abalwadde, n'azuukiza abafu, n'azibula ba muzibe, yabuulira abantu ebibakwatako, yayigiriza era naalanga ebirija era…. Okusingiira ddala, yasaba!

**Buuza: Yesu akola ki kati?**

**Abarooma 8:34** **34…** Yesu eyaffa okusinga kwekyo, ……

**Ekyawandiikibwa:** "Lekka abato bajje gyendi era temubaziyiza, kubanga obwakabaka bwa Katonda bwabo abalinga bo. Mariko 10:14

**Okusa mu nkola**

Yesu nga abayigirizwabe, abaatambula era ne boogera naye, mwatondebwa okubeera mikwano gye nfaanfe era okutambula n'okwogera naye namwe. Olwaleero, okusaba yengeri gyetwogerezeganyamu ne Katonda, era kyekimu ku bintu ebisinga obukulu byosobola okukola. Yesu akwagala. Nnyo nnyini ddala nti yagenda ku musaalaba ku lulwa! Yokaana 3:16 Ayagala ofuuke omusabi ow'omuwendo!

## Weetegereze

Ekigambo "**AMIINA! "YE**"

Nkakasa nga wali owulidde ng'abantu bangi basaba era bwe baba bamaliriza ne bagamba nti Amiina! Oba oli nga naawe bw'okola y'engeri gye tutegeezaamu abalala nti tumalirizza okusaba.

## Buuza: Ekigambo Amiina omanyi kye kitegeeza? (Lindako baddemu olyoke okiriziganye nabo era obanyonyole)

Ekigambo Amiina kitegeeza okutuuka ku nzikiriziganya, era kye musabye kikoleddwako… kiba kiraga nti buli muntu akiriziganya n'oyo aabye era amaanyi g'essaala wano we galabikira.

Ffe nga WSC, tulina engeri ey'enjawulo era esanyusa gye tulagamu okukkiriziganya kwaffe; ekigambo nti mu linnya lya Yesu Amiina, ffe nga tuddamu nti "Ye". Wano buli muntu ayimirira n'awanika emikono wagulu, awo n'agikakkanya ng'ayogera nti "Ye!" mu lulimi ye lw'ayagala.

**Yesu yennyini yatukuutira obutasaagisa kigambo ye kubanga ekyo kye tunaasamululanga ku nsi, ne mu ggulu nga kisumuluddwa nti era ababiri bwe banaasabanga nga bakkiriziganyizza, Kitange ali mu ggulu anaabaanukulanga.** (Matayo 18:18-19)

# ESSOMO ERYOKUBIRI #2

## Omwoyo Omutukuvu – Omuyambi Waffe

## Buuza: Omwoyo Omutukuvu yaani?

Ye muntu owookusatu mu bwa Katonda oba Tulinita Omutukirivu ng'abamu bwe bakiyita.

## Okufuunza essomo

## Buuza: Emirimo gy'omwoyo Omutukuvu gye giriwa?

Okutwoleka Yesu, Okutujjuza amaanyi, Okutulumiriza, Okutusomesa.

**Ekyawandiikibwa: Yokaana 14:26 [Essuula yonna]**

"Naye omubeezi **Omwoyo Omutukuvu** alibasomesa ebintu byonna era y'alibajjukiza byonna bye mbagambye.

**Okusa mu nkola**

Yesu bwe yalinnya mu ggulu, n'aweereza abayigirizwabe Omwoyo Omutukuvu ono tasosola mu myaka, langi, oba kibiina kya muntu era abeera mu buli muntu …ani era naawe omulina.

Omwoyo Omutukuvu ono abeerawo ssaawa bina era bw'omuganza akuyamba okukuza ebirabo ebiri mu ggwe era n'okubitambuliramu.

## Okwekeneenya Essomo

Ekibuuzo: Kikutwalira bbanga ki nga nnyoko, kitaawo (jajjaawo) akuyise oba akulagidde okukola omulimo gwonna?

Wali owulidde nga bagamba nti abala ataano nga wa….. dda!

Okuva 20:12 etulagira okugondera bazadde baffe era ly'etteeka n'ekisuubizo eky'omukisa ng'okitadde mu nkola.

Buli lwe weemanyiza okugondera eddoboozi lya mwoyo mutukuvu n'okukola ky'akugambye.

Weeyigirize okwawula eddoboozi lya mwoyo mutukuvu era nokukolerawo ekyo ky'akugambye.

Wano abaana bagambe buli omu asiriikiriremu awulire omwoyo ky'amugamba.

Awo bawe ekkalamu n'empapulaoba ekintu ekirala kyonna, ziyinza n'okuba langi bawandiike kye bawulidde era babuulire n'abalala wayinza okubaawo abagamba nti tebalina kye bawulidde nabo bagambe nti omulundi omulala bajja kuwulira.

Buli lw'osoma Bayibuli, saba nnyo omwoyo omutukuvu akuwe amagezi; musabe akusomese ebikwata ku yesu. Funayo akadde osiriikirire ng'omaze okusoma Bayibuli osabe owulire omwoyo ky'akugamba.



## ESSOMO ERYOKUSATU #3

**Engalo ennyonjo n'omutima ogutuukiridde**

### Buuza: Twogera tutya ne Mukama nga tusaba?

Nga twegendereza? N'ekitiibwa kingi nnyo? N'obuvumu? Nga topapa? Nga twegolodde? Oba nga tweekwese?

Nga tutunude wansi? Mu kkanisa mwokka oba mu ngoye ze kkanisa zokka?

### Okufuunza essomo

Emitima gyaffe gyetaaga okulongoosebwa tuleke ebibi bye tulowoozaako n'okwefumiitiriza era n'engalo zaffe zireke okukwata oba okwenyigira mu kukola ebibi

Ekyawandiikibwa: Zabbuli 24:3-4 Ani asobola okutuuka mu maaso ga Katonda? Oba okuyimirira mu maaso ge. Yooyo alina engalo ennyonjo n'omutima omulongoofu.

### Tukole ki?

Bwe tuba ba kusiimibwa mu maaso ga Katonda era n'essaala zaffe nga zinaatuuka gyali twetaaga okumanya engeri gye tweyisa mu kubeerawo kwe.

Wano tulina okuliraana ennyo Omukama tuleme kugwa mu bikemo.

### Okwekeneenya Essomo

Ekibuuzo: Kino kitegeeza nti buli lw'osaba olina kusooka kunaaba mu ngalo?

Nedda ekikulu kye tukola kwe kutukuza emitima egyaffe n'emmeeme zaffe nga tusaba ne twegayirira Mukama azirongoose. Era tutwata mu bifuba ne tusaba Mukama atusonyiwe ebibi byaffe.

Mukama nsaasira ku lw'endowooza yange n'ebikolwa bye nkola. Nnaazaako ebibi era onsaanyize.

Era taata nkwegayiridde longoosa omutima gwange nsobole okutuuka mu mpyazo n'okuwulira eddoboozi lyo. Nneenenya olw'endowooza enkyamu n'okwegomba ebitaliimu.

Awo tuba beteefuteefu okusaba.

# ESSOMO ERYOKUNA #4
## Okwegayirira ku lw'abalala

### Buuza: Yesu akola ki mu ggulu eyo gyali?

Awo linda ebiddibwamu. Ojja kwewuunya!

## Okufunza Essomo

Bayibuli etusomesa nti Yesu atuula ku ddyo wa Katonda kitaffe n'alyoka atusabira.

Abarooma 8:34 N'olwekyo Yesu kyava abeeraa omwegayirizi omukulu era ayagala naffe tumufaanane.

Ekyawandiikibwa

Ezeekeeri 22:30 [30]Nnannonya omuntu mu bbo asobola okwewaayo ku lw'abalala naye saafuna n'omu.

Newankubadde ekyawandiikibwa kino kyogera ku ttaka naaye tewali njawulo na bantu. Mukama atwetaaza okusabira nga banaffe.

## Okikola otya?

Okusobola okusabira abalala tulina okwewaayo. Yesu ayagala tumufaanane tusabire abantu mu nsi yonna, wadde tumanyi oba nedda.

Omulimo gw'okwegayirira omukulu kwe kuzza banne eri Katonda.

Wano tukola ng'olujegere oluyunga abantu ne Katonda waffe. Kino kiyinza okulabika ng'ekitasoboka naye wano omwegayirizi tasaanye kuggwaamu maanyi. Amalirire okuba olutindo olutuusa banne ewa Katonda era takoowa kwegayirira ku lw'abalala.

## Ekyokulabirako

Funa abaana basatu obagambe nti omu ye Katonda era omukwase akapapulake. Owokubiri ye mwonoonyi, oyo muteeke walako ne Katonda era ng'akutte akapandeke. Kaakati ebbanga eririwo okuva ku Katonda okutuuka ku mwonoonyi omwegayirizi wayimirira ng'akutte akapandeke. Mulagire atandikeokusabira oli omwonoonyi ekyo bwe kiggwa bagambe bagwaηηane mu bifuba (omwonoonyi ne Katonda ng'oli omusabi y'abasisinkanya)

# ESSOMO ERYOKUTAANA #5

**Oli Nyumba ya kusabiramu**

## Ekibuuzo: Olowooza Mukama buli omu amwagaza okusabira banne?

Waliwo omuntu lw'aba omuto ennyo oba omukadde ennyo nga takyasobola kusabira banne.

Waliwo ebitulemesa okusabira bannaffe.

## Ekyokuyiga

Buli lwe tutegeera Yesu, atuula mu ffe era atufuule bagandabe. Buli muntu nnyumba ya kusabiramu. Mu maka, mu kkanisa na buli we tubeera wona tuba nnyumba za kusabiramu.

Ekyawandiikibwa Yisaaya 56:7 Enju yange eneeyitibwanga ya kusabira mu mu mawanga gonna.




## Okikola otya?

Funayo akadde buli lunaku osabe weka. Bw'omaliriza yita abazaddebo, bagandabo, bannyoko na buli muntu yenna gw'obeera naye musabire abaana mu nsi yonna n'amaka gye babeera.

Era ne ku kkanisa tolekaayo kusabira banno.

Waliwo akayimba ke tuyimba nga kalaga nti tuli nju za kusabiramu buli lwe tukayimba, tuba tweyama okubeera ennyumba ez'okusabiramu amawanga gonna, Yesu alyoke abukale mu bato era n'abakulu.



# ESSOMO EY'OMUKAAGA #6
## Okusabira Amawanga

### Ekibuuzo: Tusabira tutya amawanga?

Zabbuli 2:8 etulagira okusabira amawanga naye tugasabira ki?

Tulina kusooka kuba baminsane okukolawo enjawulo oba okusobola okusabira banaffe. Ye abaffe, tutegeera tutya ebiruma abantu mu nsi ez'eyo ewala?

### Ekyokuyiga
Buli lwe tusabira abalala tuba tufuuse abaminsane abeegayirizi, mu mitima gyaffe era ne mu ssaala ez'omujjirano.

James 5:16 "Essaala y'omuntu abeera obumu ne Katonda kintu kya maanyi okusoosowaziwa!"

Ssi kya tteeka nti tuteekwa kusooka kutuuka mu nsi ezo okusobola okusabira abaliyo.

Ekyawandiikibwa Zabbuli 2:8 Munsabe, era naabawa amawanga nga obusika, n'enkomerero y'ensi yonna eriba yamwe

Isaiah 56:7New International Version (NIV) …for my house will be called a house of prayer for all nations."

Yisaaya 56:7 ….. enyumba yange eneeyitibwa nyumba ya kusaba eri amawanga gonna.

### Okikola otya?

Sooka otegeere ebifa eyo gy'otali n'ebikwata ku bantu baayo. Noonya ebifaananyi byabwe era ofune ne maapu y'ensi yonna. Tova ku mawulire era soma nnyo abitabo ebikwata ku baana mu nsi yonna.

Yokaana 3:16 Yesu yafiirira ensi yonna, n'olwekyo buvunaanyizibwa bwaffe okukakasa nti amawanga gonna gamutegeera era ne galokoka.

### Ekyokulabirako

Okusaba nga tukozesa obubonero obw'ensi en'enjawulo. Kolayo

obupande obuwerako nga buliko amanya g'ensi. Genda ng'obugabira abaana, abazadde, n'abasomesa. Kaakati buli alina akapande afune wayimirira.

Kitwale nti waliwo omubaka eyeebagadde embalaasi ng'ageenda okukuulira abantu Kabaka by'amutumye. Bw'atwala asowolayo obubakabwe n'abuulira abantu mu ddoboozi ery'omwanguka.

Awo buli omu awanika akapandeke n'akyuka n'akkaatiriza nga Yesu ye Mukama olwo buli muntu na lyokka addamu nti Te, weewawo.

# ESSOMO ERYOMUSANVU #7
## Enkolagana ne Banaffe

### Ekibuuzo: Kki abaana abali mu nsi kye baagala Yesu abakolere?

Twalako ku budde obuwerako.

### Ekyokuyiga

Ffe nga aba World Shapers tulina obweyamo bwe twakola okusabira abaana bonna bategeere nti Katonda abaagala. Abaana weewawo balina ebyetaago bingi nnyo, naye basaanye bakimanye nti ekikulu mu byonna kwe kulokoka.ng'oggyeeko ebyo bye tukwatako abaana beetaga emirembe, amagezi, okuganja n'ebirala bingi.

Ekyawandiikibwa Petero II 3:9 Mukama talemeredwa kutuukiriza kisuubizo kye nga abamu bwe bagerra, naye abonaabona ku lwaffe nga taleka yadde n'omu kusaanawo wabula ffenna okujja okwenenya.

..pray for each other so that you may be healed. The prayer of a righteous person is powerful and effective.

Yakobo 5:16 …musabiragane mulyoke muwonyezebwe. Essaala y'omun omuteefu ya maanyi era ekola.

### Okikola otya?

Ssabira nnyo abaabula n'abanyigirizibwa. Weeteke mu bigere by'abaana abakulira mu maka agatamanyi Kristo era lowoolereza nnyo ku mbeera enzibu abaana mwe bakulira omuli obwavu, enjala, entalo, endwadde n'okutulugunyizibwa.

Nnono ya kukkiriza nti bw'osabira abalala naawe Mukama talema kukola ku nsongazo.

## Eky'okulabirako

Kwata omupiira gwaffe ogw'ensi yonna. Gukasuke nga bw'okubiriza abbako okugufuna akoleeze omumuli gwa World Shapers era nga jjukira nti ebyo byonna abikola ku lwa Kristo Yesu eyatwagala. Wano abaako omwana oba ensi gy'asabira oba ekirala kyonna ng'omwoyo bw'aba amuluηηamizza.

Abaana bakubirize enkolagana ennungi ne bannaabwe.

Okugeza

- Ggwe abeera n'omuzadde omu yekka sabira abaana bonna bwe mufaananya embeera.
- Bwoba n'obuzibu ku maaso era naawe sabira bonna abatawaanyizibwa obulwadde bw'amaaso.
- Sabira bwe muli mu myaka gye gimu n'abo bwe mufaananya amanya.
- Bwoba tolina bulungi bisale bya ssomera sabira bonna abalina obuzibu bwe bumu.

Essaala bwe ziti ze ziyigiriza abaana okukolagana ne bannaabwe n'okubalumirwa. Abaana bayigirize okulabira mu mwoyo ebyo KAtonda by'ayogera ku maka oba abaana be basabira.

Abaana era bagambe balowooze ne ku bannaabwe abali mu nsi ez'ewala. Eyo gye boogera olulimi olutafaanana na lwabwe, obuwangwa nga bwa njawulo, eriyo entalo okutya, enjala, obusosoze mu ddiini n'ebirala bingi babasabirenga obutayosa.

## Engeri gye tugobereramu kkalenda ya wsc eya buli mwezi

Kalenda eno efulumizibwa buli mwezi. Wano bw'ogenda ku mutimbagano ogwa esthernet.net oba ku mikutu eminyumiza wala ku kibanja kya Esther Network International, oba Mary Tome ogisangayo.

Amaka mangi, ekkanisa, amasomero n'amaka, agakuuma abaana beeyambisa kkalenda yaffe eno.

Ennaku omukaaga eziwandiikiddwa mu langi emyufu zo tezikyusibwa, wano tugattako eby'okusabira okuva mu nsonda ezeesigika naddala mu bannakibiima bennyini. Waliwo n'abantu ba ssekinoomu abeewaayo ne bakola ku kkalenda zino.

Kkalenda eno etunuulira nnyo ebyetaago by'abaana, amaka, baliraanwa n'amwanga ag'enjawulo.

Twesiga nnyo ku byawandiikibwa nga tusalawo eby'okusabira bye tussah mu kkalenda era tetumala galonda buli kimu.

Kkalenda yaffe eno abamu bagikozesa mu ngeri ey'amagagezi bw'eti;

- Amaka okusabira awamu
- Abakadde okusaba n'abazzukulu
- Okugitimba mu bibiina, ku kkanisa, n'eyo abaana gye baliira emmere.
- Musobola okulonda omwana omu nga y'avunaanyizobwa ku kkalenda eno buli lunaku oba buli wiiki era ono y'aba akulemberamu essaala.
- Amasomero/ ekkanosa zisobola okufulumya eziwerako buli mwana n'atwala ng'awaka.
- Amaka mangi gagikozesa okusabira awamu be baliraanwa baabwe.
- Okutimba mu bifo ebyenjawulo ebiwerako.

## KKALENDA YA MUZIGO 2018

**MAY** **2018**

**ENI World Shapers Club** **"Nja kusabira Abaana b'ensi yonna Leero"**

| Sunday | Monday | Tuesday | Wednesday | Thursday | Friday | Saturday |
|---|---|---|---|---|---|---|
| | | 1<br>Saba Katonda awe abatakiriza ebirooto n'okulabikirwa basobole okudda eri okukiriza gyali | 2<br>Sabira abato abangi abetwala nti tebakiririza mu Katonda | 3<br>Webaze Katonda olw'abawala n'omulenzi abateebwa okuva mu buwambe bwa Boko Haram | 4<br>Sabira buli muntu gwofaananya naye erinnya. Sabira U.S Lekka abaana basabire wamu enkya | 5<br>Sabira Liya ow'emyaka 15 ayakwatidwa aba Boko Haram ol'wokugaana okwegaana okukiriza mu Yesu |
| 6<br>Sabira buli muntu afiridwa omulimo era nga yetaaga omulala | 7<br>Sabira Yisirayeli n'emirembe mu Yeruzalemu. Webaze Katonda olwa Yeruzalemu okufuulibwa ekibuga kya Yisirayeli ekikulu | 8<br>Sabira bakigala ne ba bakasilu n'abo abali mu mbeera zombi | 9<br>Saba Katonda akyuse ebibi by"nsi abifuule obulungi bwe. Bingi bimeka byoyinza okwebaza Katonda | 10<br>Sabira enkumi za baana abakola mu Buyindi, Pakisitani n'amwanga amalala | 11<br>Saba abaana babe bakisa era bayambe abo abali mu bwetaavu | 12<br>Sabira abasumba abakola mu makomera ne mu majje mu nsi yonna. Bonna batulugunyizibwa |
| 13<br>Sabira ba maama ne ba jjaja abakuza ne ba maama bo mwoyo. Olunaku lwa ba maama olulungi | 14<br>Webaze Katonda olw'ekitebe kya Amerika ekigulwawo mu Yeruzalemu leero. Saba waleme kubaawo kutabanguko | 15<br>Sabira abaana n'amaka gali mu lutalo e Ghouta, Douma ne Syria. Ebyetaago byabwe binene | 16<br>Sabira abaana bakozese ebitone byabwe okuweesa Katonda ettendo. Saba Katonda akulage wamu n'abala ebitone by aba wadde. | 17<br>Sabira abayizi mu Venezuela abatasobola kusoma olw'enjala | 18<br>Sabira abaana abagoberera Yesu nga batulugunyizibwa mu masomero | 19<br>Sabira World shapers empya mu Pakistan! Basabire. Saba omwoyo omutukuvu alungamye esaala zaabwe |
| 20<br>Saba Katonda awe abasumba amaanyi, bakyala baawe, abaami n'amaka gaabwe. Sabira abakulembeze b'ekkanisa yo bonna | 21<br>Sabira abaana ab'emyaka gyonna basobole okugondera amateeka baseemu bazadde babwe ekitiibwa | 22<br>Saba obukuumi ku bakiriza bonna nga bagenda oba nga bakoma okuva ku Kkanisa ne mu nkungaana endala | 23<br>Sabira abakiriza Yesu mu Nigeria. Ebyaalo byabwe biri mu kwokebwa era abamu batidwa. | 24<br>Sabira abo bonna bwe mwenkanya emyaka | 25<br>Saba owoyo omutukuvu kki ekyo kusabira | 26<br>Sabira abaana/ abavvubuka baleke okunywa ebiragalalagala n'owenge basobole okuba abalongonfu ate basalengawo bulungi |
| 27<br>Sabira e Kkanisa ya Good Shepherd ekulirwa abayizi mu Uganda | 28<br>Saba abakulembeze abalondebwa okufuga eggwanga babe nga batya Katonda | 29<br>Sabira abaana abakiriza Yesu bafune emikwano egikiriza nga bo | 30<br>Sabira okufuna abalala aba World Shapers okusobola okutuusa ekigendererwa | 31<br>Tendereza era webaze Katonda kuganda azeemu essaala zo | | |

**Esther Network International**
**and**
**World Shapers**

**https://worldshapersclub.org**
**561-301-5857**

**ORGANISED BY**
**ST. FRANCIS PAMU G.M LTD**
**stfrancispgm@gmail.com**
**+256 752 603580**